# Okubunyisa Boda Boda z'amasannyalaze mu Kampala

## ● KCCA ekolaganye n'ekibiina kya Boda Boda Union

## ● Baakugaba pikipiki 50,000 mu myezi 6



Minisita Kyofatogabye (ku kkono) n'abaabadde mu kutongoza enteekateeka y'okugaba boda boda ezikozesa amasannyalaze.



Ezimu ku pikipiki za Spiro ezikozesa amasannyalaze.



Frank Mawejje, Ssentebe wa Union



Omusajja ng'ajjuza empapula okufuna pikipiki ya Spiro ekozesa amasannyalaze.

Bya JOSEPH MAKUMBI NE EDWARD LUYIMBAAZI

KCCA n'ekibiina ekitwala boda boda mu ggwanga ekya Boda-boda Union batongozza enteekateeka y'okuggya pikipiki z'amafuta mu Kampala bazisikize ez'amasannyalaze.

Enteekateeka eno eyatongozeddwa Minisita omubeezi owa Kampala, Kabuye Kyofatogabye e Lugogo ku kibangirizi kya bannamakolero eggulo egenderedd-dwaamu okukendeeza omukka ogw'obulabe oguva mu boda boda n'ebidduka ebirala ebikozesa amafuta.

Fred Ssennoga omuwabuzi wa Union ku nsonga z'ebyobusuubuzi yagambye nti bagenda kutandika ne pikipiki ekika kya Spiro ez'amasannyalaze 50,000 (emitwalo etaano) ze bagenda okugabira abavuzi mu kaweefube ono eyatuumiddwa *"Zuukuka – Make the Smart Move"*.

Minisita Kyofa yagambye nti enteekateeka eno y'emu ku nteekateeka za KCCA z'ebadde nazo okufuula Kampala ekibuga ekyenyumirizibwamu ate nga kiyonjo okuzaama n'agattako nti ne pikipiki z'amasannyalaze okusikira ez'amafuta, kitundu ku nteekateeka ya Pulezidenti Museveni ey'okumalawo ebidduka ebikozesa amafuta ng'omwaka 2030 tegunnaggwaako.

Yannyonnyodde nti bodaboda ezisoba mu 200,000 eziyita mu Kampala buli lunaku, zifulumya omukka omubi gwa kiro ttaano ne gulaamu 700 oguviirako abantu okufa endwadde eziva ku kulemererwa okussa obulungi.

Yamenyemenye kampeyini eno mu miteeko esatu n'agamba nti eri abavuzi, kkampeyini eno egenda kubayamba okwongera ku bungi bwa ssente ze bayingiza nga bavudde ku kugula amafuta ag'obuseere, eri omusaabaze, yagambye nti kigenda kutumbula ebyobulamu n'okukendeeza ku biwoggana kuba ez'amasannyalaze teziwoggana ate eri ekibuga, yagambye nti kigenda kuyamba kutumbula obutonde bw'ensi n'okuteeka Kampala mu kifo ky'ekibuga ekikulembedde mu kutumbula entambula ey'omulembe.

Ssennoga yannyonnyodde nti kkampeyini eno okugitambuza bayambiddwaako kkampuni ya Spiro ekola pikipiki ez'amasannyalaze mu ggwanga era ekiruubirirwa kyakukendeeza ku mukka oguva mu bidduka eby'amafuta.

Yagambye nti KCCA yaweereza okusaba kwayo mu bbanka y'ensi yonna okwetaba mu kuvuganya mu bibuga by'ensi ebisinga okunyirira ne babawa olukanganga lw'ebintu bye balina okutuukiriza mu bbanga lya myezi ena nga mwe muli n'okukendeeza ku bidduka by'amafuta mu kibuga.

Enteekateeka eyatongozeddwa, yagambye nti wadde etandikidde mu Kampala naye egenda kubunyisibwa eggwanga lyonna omuntu gwe basanga ng'avuga bodaboda ey'amafuta baakugimuggyako bamuwe ey'amasannyalaze.

Ssennoga yagambye nti baagala okukozesa obungi bw'abavuzi ba boda be balina mu mulimu guno okusobola okwekulaakulanya nga ne bwe kuba kutandika bbanka, nga bafunabufunyi bakugu mu bya bbanka nga batandika okukola.

Yayogedde ku bintu Union by'ekoze okuva lwe yatandika n'agamba nti basobodde n'okutandika enkola y'okuzimbira aba boda amayumba, okutandika omukutu abasaabaze kwe basobola okuyita okufuna bodaboda eyeesigika wonna we baba bali era baluubirira okufuula bodaboda omulimu ogweyagaza buli muntu agulimu, abasaabaze ne gavumenti.

### BAAKUGABA BODA BODA 50,000 MU MYEZI 6

Ate Frank Mawejje ssentebe wa Union yagambye nti baagala okutuuka mu myezi mukaaga nga bamaze okugaba pikipiki 50,000 ate omwaka we gunaggweerako nga bagabye pikipiki 100,000 era yalaze Minisita abavuzi ba boda 150 be yagambye nti baalondeddwaamu okutambuza enjiri ya piki z'amasannyalaze eri buli muntu gwe basobola okutuukako.

Yagambye nti nga bakolaganira wamu ne kkampuni ya Spiro, bagenda kuteekawo ebifo 500 we bakyusiza bbaatule okwetooloola Kampala kyanguyize abavuzi obutasumbukana na kutambula lugendo nga banoonya we basobola okucaagingira.

***Okufuna pikipiki eno ey'amasannyalaze, osasula 120,000/- mu ntandikwa n'ojjuza ffoomu era n'osembebwa ba mmemba ba Union n'ogiweebwa.***

Minisita Kyofa yagambye nti okuteekawo ebifo we bakyusiza bbaatule ebiwera, kigenda kuyamba omuvuzi okumanya n'okubala omuliro gw'alina ne w'asobola okukyusiza ssinga guggwaako.

"Enteekateeka eno, egenda kukendeeza omukka omubi gwe tussa ebitundu 15 ku 100, kigenda kukendeeza abantu abafa ebirwadde ebiva ku kussa ebitundu 20, kye mbasaba abavuzi ba boda, enteekateeka temugirwanyisa, mugiwagire kubanga egenda kubayamba okwekulaakulanya n'okutereeza eggwanga." Minisita Kyofa bwe yagambye.

Omukolo gwetabiddwaako ebitongole eby'enjawulo omwabadde bbanka, NSSF, abavuzi ba bodaboda, aba takisi abaakulembeddwa Rashid Ssekindi, aba bbaasi abaakulembeddwa Umar Kakaire, poliisi n'ebitongole ebirala.



Okuva ku kkono, Kakaire owa bbaasi n'omumyuka we, Umar Isabirye ne Rashid Ssekindi akulira UTOF. Kozesa Vision Digital Experience App olabe vidiyo.